# NEMA EGGADDE LUFULA LWA BUCAAFU

Bya LAWRENCE KIZITO

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku kukuuma obutonde bw'ensi ekya National Environmental Management Authority (NEMA), kiggadde lufula e Kasangati, olw'obucaafu obusussse obubadde butadde obulamu bw'abantu mu kabaate.

Lufula eno esangibwa ku kyalo Seeta mu Kasangati Town Council, mu disitulikiti y'e Wakiso. Mu kiwandiiko NEMA kye yafulumizza, yagambye nti ekivundu ekibadde kiva mu lufula eno kibadde kya maanyi nnyo, nga kiva mu butateekawo kifo kirongoosa kasasiro ava mu lufula aleme kuwunyirira bantu, kubanga bannanyini Lufula eno tebaasooka kufuna lukusa kuva mu NEMA, okusobola okubalambika ku kiki ekituufu eky'okukola.

Ku lufula eno era kubaddeko ekifo we balongooseza amaliba, nga nakyo kifubutukamu ekivundu eky'amaanyi, n'omukka omubi, ebibadde bisuza abatuuze ku tebuukye, ekintu NEMA ky'ebadde tesobola kukkiriza.

Lufula eno yaggaddwa ku Lwokubiri nga February 3, 2026, oluvanyuma lw'abatuuze okwekubira enduulu mu NEMA bayambibwe.

NEMA mu kiwandiiko kyayo yagambye nti obulamu bw'abantu bubadde mu katyabaga ak'amaanyi, era abakozi basatu abaasangiddwa mu kifo kino baakwatiddwa ne mukama waabwe n'ayitibwa ku Poliisi ne mu NEMA abitebye.

NEMA yagambye nti ekikwekweto kino yakikoledde mu nnyingo eya 39 eya ssemateeka w'eggwanga, ewa buli Munnayuganda eddembe okuwangaalira mu kifo ekiyonjo, nga tekiteeka bulamu bwe mu matigga.